# Pulezidrenti Museveni atadde obuwumbi 3 mu misinde gya Lotale

Bya SAMSON SSEMAKADDE




Among (ku ddyo) ng'atongoza emisinde gino. Ku kkono, ye Steven Mwanje eyagitandikawo.

PULEZIDENTI Museveni atadde obuwumbi 3 mu misinde gya lotale egy'okulwanyisa obulwadde bwa kkookolo.

Ssente zino zaakuyamba mu kumaliriza ekizimbe we bagenda okujjanjabira obulwadde buno mu ddwaaliro ly'e Nsambya. Guno mulundi gwa 15 ng'emisinde gino gitegekebwa nga giyitibwa 'Rotary Cancer run 2026'. Omukolo gw'okugitongoza gwabadde ku St. Francis Hospital e Nsambya ku Lwokutaano.

Sipiika wa Palamenti, Anita Among eyabadde omugenyi omukulu yagambye nti, emyaka egiyise babadde basala ku misaala gy'ababaka ba Palamenti okuvujjirira emisinde gino wabula ku mulundi guno baasisinkanye Pulezidenti n'abawa.

"Twebaza Pulezidenti okuteeka ssente mu misinde gino nga kuno kw'agenda n'okwongereza obuyambi obw'enjawulo ekizimbe kino kizimbibwe okutuusa nga kiwedde", Spiika Among bwe yategeezezza.

Omulamwa gw'omwaka guno gwa kuyamba okukomyawo essuubi mu bantu abalina obulwadde buno.

Emisinde gino gigenda kubeerawo ku Ssande (August, 30) ng'abadusi baakusimbula ku kisaawe e Kololo. Obujoozi obunaakozesebwa bwakutundibwa 30,000/- buli kamu. Kkampuni ya Vision Group efulumya ne Bukedde be bamu ku batadde ssente mu misinde gino gattako Centenary bank, Maad McCann, Krystal n'eddwaliro ly'e Nsambya.

---

Jinja Hippos 16-36 Makerere Impis
Kakira 18-28 Mongers
Walukuba Barbarian 22-24 Buffaloes
KCB Kobs 46-12 Rhinos
Warriors 19-48 Rhinos
Heathens 30-26 Pirates

ABAWAGIZI ba rugby aba ttiimu z'e Jinja bavudde mu bisaawe nga bawotose oluvannyuma lwa ttiimu zaabwe 3 okwolesa omutindo ogw'ekibogwe.

Jinja Hippos, Kakira ne Walukuba Barbarian ez'e Jinja ze zannyogozzà abawagizi baazo ku Lwomukaaga ku kisaawe ky'e Dam Waters. Jinja Hippos yakubiddwa Makerere Impis ggoolo 36-16.

Ekyasinze okumalamu ab'e Jinja amaanyi kwe kuwaga n'okuwera okwakoleddwa Jinja Hippos ng'omupiira tegunnatandika nga bwe batangenda kukkiriza kubakubira mu maaso g'abawagizi baabwe.

Kapateni wa Jinja Hippos, Maxwell Ebonga yeyasoose okuteeba mu kakodyo ka peneti mu ddakiika ey'okuna wabula eddakiika ezazzeeko omuzannyo gwabatabukidde era omutendesi wa ttiimu, Edmond Quaresma kata abawagizi bamugwe mu malaka nti lwaki yalonze ttiimu ng'abazannyi abasingamu bato.